| Essomo 6 | الدرس السادس |
|---|---|

# Okunaaba olunaaba olunene:

Okunaaba olunaaba olunene luno kwekubunya amazzi omubirigwo gwonna ne nniya eyokwetukuza, era eteekwa okubeera entuufu wamu n'okunaaba omubiri gwonna nga kwotwalidde n'okunyumunguza mukamwa n'okufeesafeesa mu nyindo.

**Era kyatteeka okunaaba olunaaba luno olunene, singa ekimu ku bino ebitaano kirabikako:**

**1.** Okuvibwamu amazzi agekyama (amaniyyu) gabeere nga gavuddemu olwobwagazi emisana ng'omuntu atunula oba nga gavudde mu muntu ekiro mutulo twonna, abeere musajja oba mukazi. Wabula singa gafuluma mu muntu (amaniyyu) nga sirwabwagazi nga bwegayinza okumuvaamu olwobulwadde oba obuyitirivu bwobunyogovu, mu mbeera eno takakatibwako kunaaba lunaaba lunene. Era kyekimu singa yelootolera natalaba maniyyu ago oba obuufu bwago, wano nawo tekimukakatako kunaaba lunaaba olwo olwa gusulu olunene. Naye singa olaba amazzi mungoyeze oba mubuliri bwe naye nga tajjukira nti yelooteredde, mu mbeera eno abeera alina okunaaba (kababeere babiri omwami n'omukyala nebatamanya nti gaavudde mw'omu kubombi olwo bombi baba bakakaseeko okunaaba)

**2.** Okusisinkana kwobukomole obubiri amakulu obweleere obubiri obw'omusajja n'omukazi kababeere nga tebavuddemu mazzi.

**3.** Okukutukawo kwomusaayi gwa (Haizwi) gwomukyala ali mu nsonga zabwe eza buli mwezi oba ogwa (NIFASI) ogwomukyala eyaakamala okuzaala.

**4.** Okufa kuba kyatteeka okunaaza omufu.

**5.** Singa atabadde Musiraamu asiramuka kuba kyatteeka gyali okunaaba (wadde nga kino kirimu endaba ezenjawulo)

**Ebiziyiziba eri oyo alina Janabba:**

Janabba kigwawo eri omusajja n'omukyala singa bayingira mu kikolwa ekyokwegatta munsonga z'abafumbo, oba okuvibwamu kwamazzi ago agekyama olwobwagazi wadde nga tebakoze mukolo gwa bafumbo, oba okuvaamu amazzi olwokwelooterera era bino biziyizibwa eri oyo agifunye Janabba.

**1.** Okusaala.

**2.** Okwetoolola Kaaba

**3.** Okukwata ku Qur'an ewatali kisiikiriza oba okugisoma mukyama nemulwatu, ebeere eri mu mutwe oba ngogijja mu (Mushihafu) mu Qur'an, nebirala (ewatali bwetaavu).

**4.** Okubeera mu masijidi ekiseera ekiwanvu (ewatali bwetaavu) wabula okuyitami obuyisi tekiba namutawaana.